# Bbaasi esse 7 ng'eyisa mmotoka 2

Bya PONSIANO NSIMBI

AKABENJE ddekabusa katuze abantu musanvu ate 16 ne baddusibwa mu ddwaaliro nga biwalattaka, bbaasi eva e Sudan bw'ebadde eyisa mmotoka bbiri omulundi gumu.

Bbaasi ya kkampuni ya Nile Coaches nnamba UBP 936U, yatomereganye ne lukululana SD-D040A/SSD 498C ekika kya Benz ku kyalo Lapok Mor, mu disitulikiti y'e Nwoya mu kiro ekyakeesezza Mmande ku ssaawa 7:15 ogw'ekiro.

Omwogezi wa poliisi y'ebidduka mu ggwanga, Michael Kananura yategeezezza nti, bbaasi eno yabadde eva Arua. N'agamba nti, okukola akabenje omugoba waayo, Abugo Mandella Kadin yabadde ayisa emmotoka bbiri ezaamubadde mu maaso okukkakkana nga bambalaganye ne lukululana.

Kananura yagambye nti, Abugo atemeza mabega wa mitayimbwa nga poliisi bw'enoonyereza.

## OBUBENJE BWA BBAASI OBUZZE BUTTA ABANTU

- October 22, 2025: Abantu 46, baafiira mu kabenje ku lugudo lwa Kampala Gulu e Kiryandongo bbaasi bwe zaatomeregana.
- March 5,2026: Bbaasi ya Tausi eyali eva e Kampala ng'edda e Buhenyi yatomeregana ne Toyota Noah mu Town council y'e Rwentuuha ku luguudo lwa Mbarara -Bushenyi abantu 7 bafiirawo nga
- October 29, 2025; Aboolugand basatu abaali batambulira mu mmotoka ekika kya Canter baafiira mu kabenje e Luweero oluvannyuma lw'okutomerwa bbaasi SSD 251Z eyali eva e Kampala ng'edda e Gulu.
- April 7, 2026: Abantu 8 baafiira mu kabenje bbaasi UAL 492L, bwe yatomeregana ne box body UBH 013Q e Kalengo mu disitulikiti y'e Lwengo ku lwa Masaka- Mbarara.